


Bamusaayimuto mu kisaakaate kya Future Stars nga babangulwa.

# Ekisaakaate kya Future Stars kibangudde bamusaayimuto

Bya SAMUEL TEBUSEEKE

EKISAAKAATE ky'ebyemizannyo ekya Future Stars 10-days Multi-Sport Residential Holiday Training Camp, kiri mu kaweefube wa kubangudde bamusaayimuto mu mizannyo egy'enjawulo.

Kitegekeddwa ku Gayaza High School ne Gayaza Junior ku mulamwa gw'okubangula omwana mu by'emizannyo ne mu bulamu obwa bulijjo. Kyetabiddwaamu abawala n'abalenzi era ku wiikendi baabanguddwa mu ngeri y'okuwa obujjanjabi obusookerwako.

Essomo lino lyakulembeddwa abasawo ba UMC Victoria Hospital. "Omwana alina okubeera n'obukugu okusobola okutaasa munne afunye obuzibu nga talina kulinda balala kutuuka kuba ebiseera bingi babeera bokka gye bazannyira," Omusawo Sharon Birungi bwe yategeezezza.

Omusawo omulala Michael Namandayagambye nti omusomo nga guno mikulu nnyo kuba kiyamba abaana okwekkiririzaamu n'okufuna obuvunaanyizibwa mu bulamu. Abaana era baabanguddwa n'engeri gye balina okweyisaamu mu bulamu bwa bulijjo, okwekuuma nga balamu bulungi.

Mu mizannyo baatendekeddwa omupiira, okubaka, basketball, badminton, okuwuga, chess n'emirala. Ekisaakaate kino kisuubirwa okukomekkerezebwa ku Lwokusatu era abazadde basuubirwa okubaayo mu bungi okulaba ku baana baabwe bye bayize mu nnaku 10 ze bamaze nga babangulwa Future Stars.

Aba kkampuni ya Chapa General Enterprises Ltd baakyaddeko mu nkambi okusomesa abaana engeri y'okufumba Nala Instant Noodles.

Ekisaakaate kiwagiddwa kkampuni ya Vision Group, ekitongole ky'ebyemizannyo mu Wakiso, Gayaza High School ne Gayaza Junior, Prestige Margarine, UMC Victoria Hospital, Sumz ne MTM MoMo.